

# Emmizi Mu Kristo



## *Okukula mu Kigambo Kye*

*“Kubanga aliba ng’omuti ogwasimbibwa awali amazzi, ne gulanda emmizi gyagwo awali omugga, so tegulitya musana bwe gwaka ennyo, naye amalagala gaagwo galiyera; so tegulyeraliikiririra mu mwaka ogw’ekyeya, so tegulirekayo kubala bibala.”*

*Yeremiya 17:8*

## **Copyright 2014 © Grow in Grace**

All rights reserved. No part of this publication may be reproduced, copied or stored in a retrieval system or transmitted in any form or by any means whatsoever without the written consent of the copyright holder.

Excerpts may be used by individuals or churches for non commercial purposes.

Edition 1 Uganda June 2012

Edition 2 Uganda June 2014

Scripture quotations from The Bible in Luganda United Bible Society.

***Grow in Grace, 16 Glenside Park, Drumbo, Lisburn***

***BT27 5LG United Kingdom***

[www.growinggrace.org](http://www.growinggrace.org)

[bill@growinggrace.org](mailto:bill@growinggrace.org)

# Ennyanjula

Bwewalokoka, wayingira mu nkolagana ne Katonda eyakufuula ekitonde ekijja era n’akuwa n’Omwoyo we Omutukuvu okubeera mu ggwe. Ayagala okukweraga (okukwebikkulira), akufuule nga Mukama waffe Yesu Kristo era n’okukuyamba okutegeera ebigendererwa Bye ku lw’obulamu bwo.

Kino ekitabo kyawandikiddwa okukuyamba okweyongera okumanya Katonda. Ojja kusabibwa okulowooza n’obwegendereza ku kiki Bayibuli ky’egamba, kiki kye kitegeeza, era kiteekebwa kitya mu nkola mu bulamu bwo. Osaana osooke okukola enteekateeka ey’okumala akadde akatonotono, ddakiika kkumi (10) oba abiri (20), mu kusoma n’okusaba buli lunaku naye suubira akaseera kano okweyongerako.

Esaala eyabuli lunaku n’okusoma Bayibuli binokolebwaayo okuyita mu byawandiikibwa byonna ekyogera ku nkolagana eyesigamywe mu kweyongeranga okukinyweza.

Ennono eno ewumbibwaako mu Yokaana 15:7 . . .

*“Bwe mubeera mu nze, n’ebigambo byange bwe  
bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala  
kyonna, munaakikolerwanga.”*

Tusobola okwenyigira butereevu mu kuyiga Bayibuli, Okusaba N’okujulira naye bwetuba tusudde obwetaavu bwaffe eri Katonda tufuuka beebafu mu Mwoyo. Nebwetuba bakugu tutya, abamanyi ennyo era abalina ttalanta, tetusobola kubaawo ku lwaffe awatali Katonda ne tweyagalira mu mikisa Gye. Ekitono ennyo kyetusobola okukola, nga tunoonya okwongerera okutwala ebuziba entambula yaffe ne Katonda , kwe kutwaalayo ekiseera buli lunaku okukuza enkolagana eno okuyita mu kumala ekiseera mu Kigambo , okubeerangawo wansi w’obuyinza bwakyo ne mu kusaba.

## **Okusoma Bayibuli**

Jjukira ojja kubeera ng'osoma Ekigambo kya Katonda. Genda gyekiri (Ekigambo) ng'osubira nti Agenda kwogera naawe. Okutegeera kye kitegeeza kijja luvanyuma lwa ggwe kuteekamu kiseera na maanyi n'okuyita mu buyambi bw'Omwoyo Omutukuvu.

**Bw'oba oli mu Kristo, ojja kufuna okumatizibwa n'essanyu ebisiinga bw'onobeera wansi w'obuyinza bw'eKigambo era n'oteeka mu nkola bye kisomesa mu bulamu bwo.**

## **Ssabiti Nnya Ezisooka**

Tulonze amasomo okuva mu njiri ya Makko ku lwa ssabiiti ennya ezisooka, n'ebibuuzo ebyangu. Ebibuuzo bwe biba tebisoomooza kimala, mala akaseera ng'olowooza ekitundu ekisomeddwa kye kitegeeza era n'engeri n'amazima gano gye gayinza okukyusaamu obulamu bwo. Kino ekiwayi ekisooka kyateekateekeddwa okukuyamba okutandika n'okunyweeza empisa mu kwewaayo kwo okwa ssekinoomu.

### **Goberela**

Kino ekiwayi ekiddako kikuyigiriza engeri gy'oyinzaamu okwongera okugenda ebuziba mu kutegeera kwo okw'Ekigambo nga kikuwa ebikozesebwa okusobola okuyiga ku lulwo. Ekiwayi kino kikozeza ebibuuzo bisatu ng'omusingi gw'amasomo . . .

**OKUTUNULA - Ndaba ki?**

**OKULOWOOZA - Kyaali Kitegeezeza ki?**

**OKUTEEKA MU NKOLA - Kitegeeza Ki Gyendi Leero?**

## **Okusaba**

Ng'omaze ekiseera ng'osoma Ekigambo kya Katonda kikweetagiisa okumala ekiseera mu kusaba (ng'oyogera ne Katonda), kino kitudu ku nkola y'ebyempuliziganya. Abantu obamanya ng'owuliriza bye bayogera. Obaddamu, nabo ne bakuwuliriza. Okusaba nakwo kufaanana kutyo; tekikwetaagisa bigambo bya njawulo okusaba Katonda, wadde ekifo ekyenjawulo tokyetaaga. Bw'omaliriza okusoma n'okulowooza kw'ekyo Katonda ky'akugambye, Musabe. Kozesa ebyo by'obadde oyiga ng'entandikwa.

# Okutabagana Ne Katonda Okwa Buli Lunako

## Bayibuli

Bayibuli yawandikibwa abantu abasukka mu makumi ana (40) abaalungamizibwa Katonda. Yamalirizibwa kumpi emyaka enkumi bbiri eziyise (2000) era ng'egabanyizibwamu ebiwayi bibiri. Bino ye Endagaano Enkadde ng'eno eyogera ku biseera okuva ku kutondebwa okutuuka ng'ebula emyaka nga bikumi bina (400) Kristo azaalibwe, n'ekiwayi ekirala ye Endagaano Empya eyogera ku obulamu bwa Yesu Kristo n'abakulisitaayo abasooka. Katonda ky'ayogera mu Bayibuli bwe buyinza obw'enkomeredde ku buli mbeera ez'okukkiriza/ez'enzikiriza n'ezobulamu.

Mulimu ebitabo nkaaga mu mukaaga (66) mu Bayibuli. Asatu mu mwenda (39) ku bino biri mu Ndagaano Enkadde ate abiri mu musanvu (27) biri mu Ndagaano Empya.



# Engeri Gy'okozesaamu Ekitabo Kino

## Engeri Eya Bulijjo

1. Osaana ofune eky'okuyigako kya mulundi gumu buli lunaku. Ekigendererwa kya kutandikawo muze/nkola eya buli lunaku.

2. Oyinza okwesanga nga mu kusooka omala eddakiika ntono mu kusoma n'okulowooza ku kyawandiikibwa, naye obudde gye bweyongera ojja kutandika okumala ekiseera ekiwanvuko.

Gezaako okufuna obudde mw'otajja kutawanyizibwa mu nteekateeka yo ey'olunaku. Obudde w'oyiinza okufuunira emirembe nga busirifu mw'osobola okulowooleza. Ku makya ennyo bwe budde obusiinga naye bwewaberawo obudde obulala obukusingira kozesa obwo, era gezaako okubutwala nga akalaganye k'olina okutuukiriza.

Wajja kubeerawo obudde nga tosobola/toyagala kusumbuyibwa, naye era mala gatwala obudde obwo, oba owulira ng'oyagala oba nedda. Totya bwoba obuseewo olunaku naye kifuule ekiruubirirwa kyo mu ntandikwa eky'obutasukka nnaku bbiri ez'omuddiringanwa. Oluvannyuma osobola okusitula ekiruubirirwa kyo.

3. Ekitabo ekinnyonnyola Ebigambo bya Bayibuli tekyetagisa nnyo, naye kijja kubeerera kya mugaso okukuzuulira ebigambo by'otategeera. N'ekitabo ekinnyonnyola Ebigambo by'olungereza nakyo kijja kukuyamba ku nnyinyonnyola y'ebigambo eby'olungereza.

4. Funa akatabo, ak'okuwandiikamu, n'okuteeka wansi by'osomye. Kiba kirungi buli lupapula n'oluwa olunaku lwaalwo.



# **Ssabiiti Nnya Eziisooka**

**Essomo Okuva Mu Njiri  
Ya Makko**

## **Okusoma kwo okwa Bayibuli okwa buli Lunaku**

1. Nga tonasoma buli lunaku, sabira mu nnyiriri za Zabuli 25:4-5 . . .

*“Ondage amakubo go, ai Mukama; Onjigirize empenda zo. 5 Onnungamye mu mazima go, onjigirize; Kubanga ggwe oli Katonda ow’obulokozi bwange; Ggwe gwe nnindirira obudde okuziba.”*

2. Teekawo ennaku z’omwezi ku lupapula lw’ekitabo kyo mw’owandiika ebya buli lunaku, (bwe ziba tezajjiramu), owandiike ensibuko y’ekitundu/ebyawandiikibwa by’oyigako, nga; Kazooba nga bbiri, omwezi gwa Kasambula, Makko 2:1-12.

3. Soma ekitundu/ebyawandiikibwa bye wategekedde olunaku emirundi egiwera , ng’ogenda mpolampola mu kubifumiitirizaako era olowooze ku kiki kye bigamba.

4. Wetegereze ebibuuzo ebiri mu bye wawandiise, n’engeri gy’oyinza okuteeka mu nkola Ekigambo kya Katonda mu bulamu bwo. Wandiiika ebirowoozo byo mu katabo ko.

5. Bw’osanga ebibuuzo nga byangu nnyo ddamu osome ekitundu, mu kusaba. Wetegereze kiki kye kisomesa, era osabe Katonda akubikkulire engeri okusomesa okwo gye kwekuusa ku bulamu bwo.

6. Mu masomo gano tujja kweyongera okussa essira ku kuteeka mu nkola. Mu ngeri endala, mujja kusabibwa okuteeka mu nkola bye muyiga mu bulamu bwammwe: Musaana muteeketeke okukyusa Ebigambo byammwe, ebirowoozo byammwe oba ebikolwa bisobole okuja mu biyigiriziddwa mu kitundu.

### **Essaawa y’okusaba eya buli lunaku**

1. Mu Abaruumi 8:26-27, Pawulo atugamba nti Omwoyo Omutukuvu atuyamba mu kusaba kwaffe. Mu buli kanyomero ak’obulamu olina okuyiga okusaba. Okufuba kwo okusooka kuyinza okuba okw’engeri, naye tekujja kulemererwa kutuukiriza.

2. Oluvannyuma lw’okusoma, osaana omale ekiseera ng’osaba kw’ekyo Ekigambo kya Katonda kye kyogedde gy’oli n’engeri gy’okituttemu.



# Sinza, Tenda, Yatula, Weebaze and Saba

## (Si-Te-Ya-We-Sa)

### Si-Te Sinza, Tenda

Twala ekiseera okutendereza Mukama, olw'ekyo kyaali n'olwebyo by'akoze. Bw'onosoma ebyawandikibwa ojja kuzuula ennyiriri nnyingi Ebigambo ebirimu by'oyinza okukozesa mu kutendereza Mukama; Okugeza Zabbuli 145, Abaruumi 11:33-36.

### Ya Yatula

Kkiriza nti wayonoonye oyatule ekibi kyo eri Katonda era omusabe akusonyiwe (O). Ekibi kituziyiza okukwatagana Naye, era okusonyiyibwa kuzaawo okukwatagana.

*“Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima  
era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe,  
n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu.”*

*1 Yokaana 1:9*

### We Weebaze

Tulagirwa okwebazza Katonda mu mbeera zonna.

*“... naye mu kigambo kyonna mu kusabanga  
n'okwegayiriranga awamu n'okwebazanga bye  
mwagala bitegezebwenga eri Katonda.”*

*Abafiripi 4:6*

Kilungi okulaga okusiima kwaffe eri Katonda ku lw'ebyo byatukoledde n'ebyo byayongerera okutukolerala, n'okubalanga emikisa gyaffe (O).

### Sa Saba

Mu Abafiripi 4:6 tulagirwa okusaba, okuleka ebyetaago byaffe bimanyibwe. Ffenna tussa nnyo essira ku by'etaago byaffe nga ssekinoomu kubanga ffenna twetaaga ebintu. Fuba okwenkanyakanya ebyetaago byo bisobole okuzingiramu ebirala.

# Amasomo Aga Buli Lunaku

## 1. Makko 1:1-13

1. *Emitwe emikulu be baani mu nnyiriri zino?*
2. *Enjiri (O) ekwatira ddala kw'ani?*
3. *Buwereza (O) bwa ngeri ki Yokaana omubatiza bweyalina?*
4. *Ani yakakasa/yagulumiza Yesu ng'amaze okubatizibwa.*

## 2. Makko 1:14-20

1. *Kiki ekirala ekyabaawo ng'obuweereza bwa Yesu tebunatandika?*
2. *Basajja/bantu ba ngeri ki Yesu be yayita okumugoberera?*
3. *Yesu yali ategEEza ki bwe yagamba nti alibafiula "bavubi b'abantu?"*
4. *Makko annyonyola atya enziramu y'abantu Yesu beyayita?*

**Okuteeka mu nkola - Yesu bw'atuyita okubaako kyetukola tetulina kukisindiikiriza ku lunaku lulala.**

### 3. Makko 1:21-28

1. *Yesu yalaga wa ku lunaku olwa ssabiiti era yakola ki?*
2. *Okusomesa Kwe kwafunibwa kutya ku ntandikwa?*
3. *Yesu ku ani kweyalagira obuyinza bwe (O)?*
4. *Nsonga ki ezaleetawo okukubaganya ebirowozo ku lw'okukyaala kwa Yesu?*

**Wetegereze - Obuyinza bwa Kristo (O)bujja kuddamu okulabika emirundi n'emirundi ng'ogenda mu maaso n'okuyiga Enjiri ya Makko.**

### 4. Makko 1:29-39

*Mu Njiri ya Makko, ebigambo “mbagirawo” ne “amangu ago birabika nnyo. Oyinza okwagala okubiraga/ okubisazaako ne mmaaka enkalu.*

1. *Ngeri ki Yesu z'alagiramu amaanyi ge n'obuyinza bwe (O)?*
2. *Lwaki emizimu tebaagikkiriza kwogera?*
3. *Yesu yalaga wa ku makya ennyo? Yagenda kukola ki?*
4. *Buweereza ki Yesu bweyagenda nabwo mu maaso?*

**Okuteeka mu nkola - Yesu eky'okumala ebiseera mu kusaba yakifuula eky'okuntikko kw'ebyo ebisinga obukulu. Ate ggwe?**

## 5. Makko 2:1-12

Nonya amakulu g'ekigambo "Okukkiriza" mu lukalala olunnyonnyola ebigambo by'omukitabo kino.

1. *Kiki ky'oyiga ku kukkiriza okuva ku basajja bano?*
2. *Omusajja aze kuwonyezebwa naye Yesu yasooka kumukolera ki?*
3. *Yesu yalaga atya nti obuyinza bwe (O)obw'okusonyiwa ebibi bwali busukka ku bigambo (tebyali bigambo bugambo?)*
4. *Kino Yesu kimufuula ani?*

**Okuteeka mu nkola - Akanyomero akakulu mu kukkiriza kwe kuteeka mu nkola ekyo ky'okkiriza (O) nti kituufu/kyamazima.**

## 6. Makko 2:13-17

Mu biseera eby'endagaano empya abantu baamanyibwanga n'amannya agasukka ku limu, nga bwekiri wano. Leevi asinga kumanyibwa nga Matayo.

1. *Ebyafaayo bya Leevi byali bitya nga Kristo tannamuyita?*
2. *Nsonga ki abawandiisi gye baavunaana Yesu n'abayigirizwa be.*
3. *Yesu yali ategeeza ki bwe yagamba, "Sajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi."*

**Okuteeka mu nkola - Yesu yasisinkananga nnyo abalina ebibi so nga yye teyalina. Oyiga ki ku ky'okulabilako kye?**

## 7. Makko 4:1-20

Newankubadde Yesu yali yakatandika obuweereza bwe, yali atendeka abayigirizwa. Yasomesa olugero eri ekibiina naye nannyonnyola amakulu gaalwo eri abayigirizwa mu kyama...

1. *Bantu ba kika ki abakiikiridwa ne “mabbali g’ekkubo?”*
2. *Bantu ba kika ki abakiikiridwa ne “bifo by’enjazi?”*
3. *Bantu ba kika ki abakiikiridwa ne “mu maggwa?”*
4. *Bantu ba kika ki abakiikiridwa ne “ettaka eddungu?”*

**Okuteeka mu nkola - Kw’ebyo ebyogeddwaako, kiriwa ky’osiinga okukiikirira mu nyanukula kwo eri Ekigambo kya Katonda?**

## 8. Makko 4:35-41

Yesu aleka ekibiina, okugenda emitala w’ennyanja, n’atwaala n’abayigirizwa.

1. *Bwe baali bawunguka abayigirizwa bakizuula nti baalina ekizibu. Kyali kizibu ki?*
2. *Yesu yali yeebase mu kiwenda. Yakola ki abayigirizwa bwe bamuzuukusa?*
3. *Baakola ki/Baayanukula batya bwe baalaba ebyaddirira?*
4. *Embooji eno eyiinza kukuzaamu etya amaanyi?*

**Okuteek a munkola - Olowoza Yesu yani?**

## 9. Makko 6:1-6

Yesu ajja mu kibuga ky'ewaabwe era n'ayigiriza mu kkungaaniro ku lunaku lwa ssabbiiti.

1. *Abantu baayanukula/balowooza batya ku ntandikwa?*
2. *Ebirowoozo byabwe ebyaddako byali ki?*
3. *Biki ebyaava mu ndowooza n'enevisa yabwe?*

**Okuteeka mu nkola - Ebiseera ebisinga mikwano gyaffe egy'okulusegere n'abomunnyumba bebasinga okuzibuwala okujuliramu.(O). Laba I Petero 3:1-2 era owandiike ky'olowooza nti Petero kyagamba nti y'engeri esinga obulungi okujuliramu eri abantu abatuli ku lusegere.**

## 10. Makko 6:30-44

Twalabye emabegako mu ssuula eno nti Yesu yali asindise abayigirizwa okugenda okubuulira enjiri. Akanyomero kano wekatandikira abayigirizwa baali bakomyeewo.

1. *Kintu ki Yesu n'abayigirizwa kye basooka okukola?*
2. *Kristo yayanukula atya eri amawulire gebaamuwa?*
3. *Enteekateeka za Mukama waffe zatataganyizibwa. Yakola ki bwe yagobererwa ekibiina?*
4. *Kizibu ki akyatuukawo era yesu yabuvuunuka atya?*

**Wetegereze - Katonda afaayo eri ebyetaago byaffe eby'omubiri n'ebyomwoyo (si bye twagala obwagazi).**

## 11. Makko 8:27-30

Ng'agenda okubuulira n'okusomesa mu mbuga za Kayisaliya ekya Firipo, Yesu abuuza abayigirizwa ebibuuzo.

- 1. Nsonga ki enkulu Yesu gye yabuuza/yayimusa eri abayigirizwa?*
- 2. Abantu baalina ndowooza ki?*
- 3. Petero yalowooza nti Yesu yani?*

**Weetegereze -Okuyita mu Ndagaano enkadde yonna Katonda asuubiza abantu be nti , olunaku lumu, walibaawo omuntu alijja okugonjoola ensonga y'ekibi kyabwe. Omuntu ono yali Mukama waffe Yesu, era erinnya Kristo (O) kitiibwa ekyamuweebwa.**

## 12. Makko 8:31-33

- 1. Yesu kiki ky'atandika okuteekerateekera abayigirizwa?*
- 2. Menya ebintu bina mu kitundu kino Yesu bye yalina okuyitamu?*
- 3. Ani Yesu gwe yavunaanira ebigambo bya Petero?*
- 4. Petero teyategeera lwaki Yesu yali alina okubonyabonyezebwa, naye oluvanyuma yakitegeera. Laba I Petero 2:24.*

**Okuteeka mu nkola - Ebiseera ebimu n'abagalwa baffe bayinza okukozesebwa okutujja ku mulamwa ogw'okugondera Mukama.**

## 13. Makko 8:34-38

*1. Yesu yagamba nti, omuntu yena bw'ayagala okumugoberera, "yeefirize yekka, yeetikke omusaalaba gwe ,angoberere"*

*Yesu yali ategeeza ki n'ebintu bino ebisatu?*

*2. Bintu ki ebyawukana Yesu by'ateeka mu maaso g'abamuwuliriza mu nnyiriri 35-38?*

**Okuteeka mu nkola - Waliyo embera zona mw'owulirira ensonyi okuleka okukkiriza kwo okumanyibwa?**

## 14. Makko 9:2-13

Wano Musa akiikirira Eteeka, Eriya akiikirira ba nnabi.

*1. Yesu bwe yabatizibwa Katonda yayogera okuva mu bile gy'ali ng'amugamba nti Ye, Katonda musanyufu. Wano Katonda ayogera eri abayigirizwa ng'abagamba nti, "Muwulire Yesu." Yali ategeeza ki mu bigambo bino?*

*2. Yesu kiki kye yalagira okusinziira kw'ekyo ekyali kibaddewo?*

*3. Nsonga ki eyaleetera abayigirizwa okwewunaganya n'okwebuuzwa bokka na bokka?*

**Okuteeka mu nkola - Kitegeeza ki gyetuli ffe okuwuliriza Yesu n'eKigambo Kye?**



## 15. Makko 9:30-32

Nate tulaba Yesa ng'atambula n'abayigirizwa era ng'ayagala akaseera akali ak'okweyawula nabo mu kyama.

*1. Kiki Yesu kye yali ayagala okukola ekyaali kyetaagisa okweyawulako mu kyama?*

*2. Abayigirizwa Yesu yali abategeka ku lwaki?*

*3. Olowooza ddala Yesu yali amanyi ekyaali kigenda okumutuukako?*

**Wetegereze** – *Okutendeka abayigirizwa kyali nkizo nnyo mu buweereza bwa Yesu. Omulimu gw'okubuulira Enjiri (O) be baali bagenda okugutwala mu maaso. Laba Ebikolwa by'abatume 1:8.*

## 16. Makko 10:17-22

Eno embooji ya nnaku ey'omuvubuka omu eyakuba Yesu omugongo. Wetegereza nti okukubaganya ebirowozo kwona kwesigamye ku nneyisa ey'okungulu.

*1. Olowooza omuvubuka ono kiki kye yalowooza nti y'ensibuko y'obulamu obutaggwaawo?*

*2. Okusenziira ku bujjulizi bwe, yali muntu wa ngeri ki?*

*3. Menya ebintu Yesu bye yalagira omusajja ono okukola?*

*4. Omusajja ono yasalawo ki ku nkomerero?*

**Okuteeka mu nkola - Ng'abalokole okugonda ebiseera ebimu kujja kubeera kwa kusalira. Waliyo ekintu kyonna mu bulamu bwo eky'omugaso ennyo gyoli okusinga okugoberera Kristo?**

## 17. Makko 12:28-34

1. *Kiki Katonda ky'atwetaaza?*

*“Naye buli akwata ekigambo kye, mazima okwagala kwa Katonda nga kumaze okutuukirizibwa mw’oyo.” 1 Yokaana 2:5*

2. *Yesu yagamba omusajja ono nti yali kumpi n’obwakabaka bwa Katonda. Kiki kye yali ayogedde Yesu alyoke amuddemu bwati?*

**Okuteeka mu nkola - Olaga otya okwagala kwo eri Katonda?**

## 18. Makko 12:41-44

Okuwaayo, mu mbooji eno, kwabanga mulujjudde nnyo. Yesu yali asobola okulaba buli omu kyeyali asuula mu ggwanika.

1. *Abantu abagaga bali bawaayo ki?*

2. *Nnamwandu yateekamu kyenkana ki?*

3. *Lwaki Yesu yagamba nti nnamwandu yawaayo okusinga abalala bonna?*

4. *Kino ekitundu tekisomesa nti tulina okuwaayo buli kyetulina. Tuyiga ki okuva mu kitundu kino?*

**Okuteeka mu nkola - Sente zo ezisinga ozisaasaanyiza mu bintu eby’okwejalabya okusinga z’owaayo eri Katonda? Obudde bw’owa Katonda mu mazima ddala bwenkana ki?**

## 19. Makko 14:1-9

Mu Matayo 20:2, eddinaali yali ejaamu omusaala omukozi gwe yali afuna mu lunaku n'olwekyo omuwendo gw'amafuta ag'omugavu gwali guweza sente omukozi z'ayingiza omwaka mulamba. Gakuumibwanga mu ccupa nga galiko envuumbo okukuuma akawoowo kaago, era okumenya eccupa kyaali kitegeeza nti gonna gaali galina okukozesebwa mbagilawo.

*1. Omukazi yalaga atya okwagala kwe (O) eri Kristo?*

*2. Abamu baasunguwala, naye ensonga entuufu eyabeemulugunyisa elabika bulungi bw'osoma Yokaana 12:3-6.*

*3. Yesu yanyonyola atya ebikolwa by'omukazi?*

*4. Ngeri ki obunabbi Ktisto bweyakola ku mukazi ono gye butuukiriziddwaamu?*

**Okuteeka mu nkola - Ng'omugoberezi wa Yesu olina okusuubira okwemulugunyizibwa.**

## 20. Makko 14:12-16

Omukolo gw'okuyitako (O) gwajaguzibwanga okujjukira ekiseera abayudaaya lwe baanunulibwa okuva mu buddu e Misiri. Soma emboози eno mu Okuva 12:1-14.

*1. Kiki Katonda kye yasinziirako, mu Okuva 12, okuyitako ku nnyumba n'atatta mubereberye?*

**Okuteekaa mu nkola - Twaalayo akaseera katono okwebaza N'okutendereze Katonda olw'obulokozi bwo.**

## 21. Makko 14:17-26

Ekyeggulo kino ekirungi eky'okutabagana kwa Mukama waffe Yesu wamu n'abayigirizwa be yensibuko y'ekyo kyetuyita "Okuseembera" oba "okumenya omugaati". Laba Luka 24:30

1. *Makulu ki agali mu kumenya omugaati?*
2. *Makulu ki agali mu nviinyo?*
3. *Olagirwa kukola ki mu 1 Abakkolinso 11:24-25?*

**Okuteeka mu nkola - Mukama omujjukira mu ngeri eno?**

## 22. Makko 14:32-42

Nga amaze ekyeggulo n'abayigirizwa Yesu yagenda nabo mu nnimiro/lusuku olwa Gesusemane oluvannyumako gye baamukwatira.

1. *Kristo yali awulira atya bweyali agenda n'abayigirizwa be mu nnimiro/lusuku?*
2. *Mu mbeera eno Yesu kiki kye yakola?*
3. *Abayigirizwa abasatu abaloondwamu basabibwa kukola ki?*
4. *Ng'omusalaba gumulinze, Yesu yalondawo kukola ki?*

**Okuteeka mu nkola - Olina embeera ng'olina okusalawo mu bulamu bwo ku ggwe oba Katonda? Kiki ky'ogenda okukola?**

## 23. Makko 14:53-65

Okuwozesebwa kuno tekwaali mu mateeka okusinziira ku mateeka g'abayudaaya. Abakulu ab'omulukiiko baali bafaayo nnyo okusingisa Yesu omusango okusinga okukuuma amateeka agaabwe oba aga Katonda. Soma Ekyamateeka olw'okubiri 19:16-21.

1. *Yesu basooka kumuwozesa mu maaso g'ani?*
2. *Bukakafu/bujulizi ki bwe bamuteekaka okumusingisa omusango?*
3. *Lwaki baamaliriza bamusalidde ogw'okufa?*
4. *Waliwo ekintu kyonna ky'olaba mu mbooji eno nga kikulu nnyo?*

## 24. Makko 14:27-31, 66-72

Waliwo ebigambo ebirala ebirambulwa ku Petero mu mbooji ya Yokaana mu Yokaana 18:12–18. Abayigirizwa babiri bokka bebalina obuvumu okubeerawo, abalala bonna nga badduse.

1. *Kiki Petero kyeyali agambye nti tasobola kukola?*
2. *Kiki ekyabaawo Petero bwe yabuuzibwa ku Yesu mu lugya?*
3. *Petero yakola ki ng'amaze okutegeera kyeyali akoze?*

**Okuteeka mu nkola - Olina engeri yonna gy'oyinza okwekwasaganyaamu kw'ekyo ekyatuuka ku Petero?**

## 25. Makko15:1-20

Abayudaaya baali wansi w'obufuzi bw'abaruumi era nga bbo tebasobola, kutuukiriza kumusalira kibonerezo kya kufa. Baalina okumatiza Pilaato atte Yesu.

Kino ekintu tekinyonnyola lwaki Yesu yalina okuffa. Soma Yokana 3:16-18

- 1. Bukwakkulizo ki obulina okutuukirizibwa okufuna obulamu obutaggwaawo?*
- 2. Kitegeeza ki okukkiriza?*
- 3. Kiki ekisiinziirwaako okusalirwa omusango?*

**Wetegereze - Ekibi kyaffe kisobola okusonyiyibwa (O) olw'ensonga emu yokka nti Kristo yafiira ku musaalaba.**

## 26. Makko 15:21-41

Twalayo ekiseera osome Isaaya 52:13-53:12

- 1. Twalayo ekiseera olwaleero okufumiitiriza (ng'olowooleza mu kusaba) ku ngeri Kristo gye yabonaabonamu ku lulwo.*
- 2. Kiki ekyabaawo ku saawa ey'omwenda?*
- 3. Soma Matayo 27:51-53. Wandiika wansi ebintu ebimu ebyabaawo nga Yesu afudde.*

**Okuteeka mu nkola - Yesu yatwaala ekifo kyo, gy'oli nti yeyali ayonoonye mu ngeri yonna gy'oyonoonyemu.**

## 27. Makko 15:42-47

Okufira ku musalaba kyaali kitwaala ennaku era Pilaato yeewuunya engeri Yesu gye yafaamu amangu era n'abuuzwa omwaami ow'ekitongole okumukakasa. Yusufu ow'e Alimasaya albika yali mugoberezi wa kyaama (Yokaana 19:33), omuntu eyagobereranga Yesu naye natabuulira balala.

- 1. Enneyisa ya Yusufu mu kitundu kino ekontana etya na kino?*
- 2. Omubiri gwe gwatekebwa wa?*
- 3. Bajulizi ki abalala abaali nga bino bikolebwa?*

**Okuteeka mu nkola - Omanyiddwa mu b'enganda, ab'emikwano ne bookola nabo ng'omulokole/ ng'omukulisitayo?**

## 28. Makko 16:1-8

Tusoma nti Yesu yakomerebwa ku musaalaba, nti yafa era n'aziikibwa mu ntaana.

- 1. Lwaki abakazi baali bagenda ku ntaana?*
- 2. Kizibu ki kye baali basubira nga batuuseeyo?*
- 3. Kiki ddala kye baasanga?*
- 4. Bamalayika bagamba nti kiki ekyaali kituuse ku Yesu?*

**Wetegereze - Okuzuukira kwe Mukama waffe Yesu Kristo kye kimu ku byafaayo ekikakasibwa eky'emirembe gyonna. Kubanga yazuukira nawe olizuukira.**

## 29. Makko 16:9-16

1. *Yesu yalabikira ani mu saawa ezasooka ng'azuukidde?*
2. *Abayigirizwa amawulire g'okuzuukira kwe baagatwala batya?*
3. *Oluvannyuma Yesu yalabikira ekkumi n'omu era n'abanenya olw'obutakkiriza abo abaali bamulabye. Kiragiho ki Yesu lye yawa abayigirizwa?*
4. *Oyinda okuwumbawumba mu bigambo byo Enjiri kye ki?*

**Okuteeka mu nkola - Ffena tulina obuvunaanyizibwa obw'okugabana enjiriri nabalala? Wali okikozeeko?**

## 30. Makko 16:9-20

1. *Yesu kati ali wa?*
2. *Obukakafu bw'okuzuukira bulina makulu ki?*  
*Laba: 1 Abakkolinso 15: 12-19.*
3. *Abayigirizwa baakola ki Yesu ng'abaleseewo?*

**Okuteeka mu nkola - Nga kiyitirivu okumanya nti olina omulokozi omulamu akwagala abeera naawe, lunaku ku lunaku, okukuyamba okubeerawo ku lulwe. Siriikiriramu era omweebazeeko kati.**



**GOBERERA**

**EBIKOZESEBWA MU  
KUSOMA EBIPYA**

# Essomo ku kwewaayo okwa buli lunaku Ennyanjula

Wetutuukidde wano ng'okwewaayo kwammwe okwa ssekinoomu kubeeramu okusoma ekitundu eky'ebyawandiikibwa ekimpimpi, okuddamu ebibuuzo, n'okulowooza engeri gy'oteeka ky'oyize oba okusoomoozebwa okwo mu nkola mu bulamu bwo. Eddaala eriddako kwe kuyiga engeri gy'oyinza okwekolera essomo ku lulwo.

Kigya kutwala akabanga okutebenkera mu nkola empya naye beera mugumiikiriza. Enkola ey'okusoma empya erimu emitendera egigobererwa. Okutuuka ku ntegeera entuffu ey'okuteeka mu nkola ebyawandiikibwa mu bulamu bwaffe kiziingiramu emitemwa gyonna egiri mu nkola eno.

Ekitundu ky'oyiga kiyinza okuba mu ngeri ya mbooji oba ekitontome, engero oba zabbuli, oba okuyigiriza okw'omulamwa okugeza nga Ebbaluwa eziri mu Ndagaano empya, naye mu buli ngeri enkola ejja kubeera yeemu.

Nga tonnatandika saba, osabe Katonda okukuyamba okutegeera ekigambo kye. Soma ekintudu emirundi mingi nga bw'osobola osobole okufuna obubaka bwakyo mu bwongo bwo. Kolera ku busobozi bwo ng'ojjukira nti gy'okoma okusoma gy'okoma okwanguyirwa. Wonna w'onabeera ng'otambulirira mu mwoyo Katonda agya kwogera naawe.

Kiyamba nnyo okulamba mu Bayibuli yo. Kozesa obusaze, obubokisi, ekalamu za langi, obubonero okutangaza ebintu by'oba ozudde.

## Enkola Ezingiramu

*1. OKUTUNULA - Okusoma n'okwekennnya ekitundu osobole okuvumbula buli kisoboka okuvumbulwa.*

*Laba olupapula 25*

*2. OKULOWOOZA – Okulowooza kw'ebyo by'ovumbudde, era n'okufuba okutegeera omugaso n'amakulu ebyasooka.*

*3. OKUTEEKA MU NKOLA - Okulaba engeri amazima g'obadde olowoozaako gye gayinza okuteekebwa mu nkola mu bulamu bwo.*

# Emitendera Egy'enjawulo EGY'OKUTUNULA

Waliwo emitendera esatu EGY'OKUTUNULA egy' okulondako. Omusomo gutegekeddwa mu ngeri eno kikusobozese okuwulira emirembe ku mutendera guno omwangu n'oluvannyuma weeyongereyo ku kintu eky'eyongerako ebuziba jebujja.

Omutendera ogusooka gusinga kusaana kukozezebwa ku masomo ag'okwewaayo newankubadde oyinza, okukozeza omutendera ogw'okubiri n'ogw'okusatu. Kijja kukwetaagisa obudde obusingawo ku mitendera egyo.

Emitendera ogw'okubiiri n'ogwokusatu gisinga kusaana kukozezebwa ng'ogenze buziba mu kuyiga Bayibuli okusinga mu masomo ag'okwewaayo. Gasangibwa emabega w'ekitabo kino ku mpapula 33, 34 ne 35.

## EBISEERA

Tukuwa amagezi okumala eddakiika nga abiri (20), mu kusooka, okuyiga/okusoma Bayibuli newankubadde zino zijja kugenda nga zeyongera bw'onoyingira mu mpisa ey'emisomo gyo.

Mala ekitundu kyobudde bw'olina mu KUTUNULA. Kozesa obudde obusigaddeyo mu KULOWOOZA n'OKUTEEKA MU NKOLA.

*“Gyonookoma okumala obudde obuwera mu kwetegereza, gy'ojja okukoma okukendeeza obudde bw'omala ng'ovvunula, era n'ebivaamu gye bijja okukoma okuba ebituufu. Gyonookoma okumala obudde obutono mu kwetegereza, gyojja okukoma okumala obudde obungi ng'ovvuunula era ne by'ovvuunula gyebijja okukoma obutaba bituufu.”*

(Byawandiikibwa Howard ne William Hendricks aba Moody Press mu kitabo “Living by the Book”)

## Eky'okukola

1. Yita mu mitendera mingi egya, OKUTUNULA – Ndaba ki? nga bw'osobola. Omutendera ogusooka gutera kubeera gwa kwewaayo.
2. Yita mu OKULOWOOZA – Kino kyaali kitegeeza ki?
3. Yita mu OKUTEEKA MU NKOLA – Kino kitegeeza ki gyendi leero?

Gezaako okusoma obulungi, somera ddala ekyo ekitundu kye kigamba era togezaako kukikyusa kwogera ekyo kye kitagamba.

Wewale okutuuka ku ky'enkomeredde ku ki kye kitegeeza okutuusa ng'omaliriza okutunula/okwetegera.

Tobeerako na ky'obuusa maaso kubanga kirimu amazima agakaawa.

### “Okutunula”



# OKUTUNULA – Ndaba ki?

## Omutendera Ogusooka

*1. Soma ekitundu emirundi egiwerako osobole okukiyingiza mu bwongo.*

## Obubaka

*2. Ekitundu kigamba ki era kisomesa ki?*

*3. Wandika wansi ky'ovumbudde n'ebibuuzo byonna ebitaddibwaamu by'oyinza okuba nabyo.*

## Ebyafaayo

*4. Gezaako okuzuula . . .*

Ani akwatibwaako, omuwandisi, omusomi n'abakyenyigiramu?

Kiki ekibaawo mu kitundu? Mbeera ki ezogerwaako?

Ddi lwe kyaliwo?

Wa we kyabeererawo?

Kyabaawo kitya?

Lwaaki kyabaawo?

## Ekinyusi

*5. Tunuulira ekinyusi, kiki ekisooka okubeerawo era kiki ekiddako okubeerawo.*

Ekinyusi ky'olunyiriri ke kitundu/enyiriri ezilwetooolodde.

Ekinyusi ky'akatundua y'essuula.

Ekinyusi ky'essuula z'essuula ezigyetoooloddewo, ob'olyaawo.

Ekitabo kyonna.

# OKULOWOOZA – Kino Kyaali Kitegeeza Ki?

Lowooza ku bimu ku bintu by’ozudde. Oyinza okweroboza okusinziira kw’ebyo by’ovumbude.

Akamu ku buwaayiro eusingira ddala obukulu mu kuyiga Bayibuli kye Kinyusi. Bw’osisinkananga ekigambo ky’olungereza “vunnama”, mu kitabo, amakulu gakyoo gajja kusinziira ku kinyusi ekigambo kino mwe kikozezeddwa.

1. Mu kuyiga kwaffe okwa Bayibuli ennono y’emu yegobererwa. Ekinyusi ekirabikirawo n’ekyo ekigaziyyiddwa bituyamba okutegeera omuwandisa ky’agezaako okwogera.
2. Ekibuuzo ekyenkizo kiri – Lwaki Katonda yateka wansi/ yawandiika ekitundu kino? Ekigendererwa kyali ki?
3. Nga tetunnateeka mu nkola ekitundu/ekyawandiikibwa tulina okutegeera kiki kye kyaali kitegeeza eri abo bekyawandiikibwa mu kusooka. N’olwekyo gezaako okusalawo . . .

*“Kiki omuwandiisi kye yali agezaako okutegeera abasomi be. Ekitundu kye kyategeeza gye bali.”*

4. Bino ebibuuzo bikulu okukuyamba okutegeera engeri ekitundu gye kikolamu leero. Ebyawandiikibwa ebisinga byetaaga okutegerwa okusinziira ku buwangwa n’embeera ezaaliwo mu kiseera ekyo.

Ekitabo ekinnyonnyola ebbiri mu Bayibuli kiyinza okuyamba ennyo okuwa amawulire ku byafaayo.



**“Okulowoza”**

# OKUTEEKA MU NKOLA – Kino Kitegeeza ki Gyendi Leero?

1. Omutendera ogusembayo kwe kulwooza kiki ky’ogenda okukolawo okusinziira kw’ekyo ky’oyize. Kuno kwe kuteeka mu nkola.

2. Obadde olwooza ku kiki ekitundu kye kyali kitegeeza eri abantu abalala mu nsi ey’enjawulo, obuwangwa obwenjawulo, ob’olyaawo n’enzikiriza endala..

Nnono ki z’olaba ezikukwaatako ezikolera mu mbeera yo leero?


Oyinza kuyigamu ki?

3. Oyinza kukuuka otya okusobola okukwasaganya ne Bayibuli kyesomesa? Ng’oyita mu kusaba lowooza ku ngeri ki ez’enjawulo gy’oyinza okuteeka by’oyize mu nkola. Londako emu gy’okkiriza nti Ktonad gy’ayagala okozese. Wewale enjogera ezitwaliza awamu nga . . .

*“Abalokole / bakurisitaayo basaana okuba n’okwewayo okwa ssekinoomu”*

Okusa mu nkola kisaana okubeera enjogera eya ssekinoomu ku biruubirirwa byo. Eky’okulabirako ...

*“Nduubirira okumala obudde, buli lunaku, mu kuyiga Bayibuli ne mu kusaba.”*



**“OKUTEEKA MU NKOLA”**

## ENTEKATEEKA Y'OKUSOMA

_ Ngero 2:1-5	_ Bar 15:7-13	_ Zab 91:1-8
_ Ngero 3:1-8	_ Bar 15:14-21	_ Zab 91:9-16
_ Ngero 3:9-18	_ Bar 15:22-33	_ Zab 139:1-12
_ Ngero 3:19-26	_ Mat 5:1-12	_ Zab 139:13-24
_ Yakobo 1:1-8	_ Mat 5:13-16	_ Zab 145:1-9
_ Yakobo 1:9-15	_ Mat 5:17-20	_ Zab 145:10-21
_ Yak 1:16-21	_ Mat 5:21-26	_ 1 Bas. 4:1-8
_ Yak 1:22-27	_ Mat 5:27-37	_ 1 Bas. 4:9-12
_ Yak 2:1-7	_ Mat 5:38-48	_ 1 Bas. 4:13-18
_ Yak 2:8-13	_ Mat 6:1-4	_ 1 Bas. 5:1-11
_ Yak 2:14-17	_ Mat 6:5-15	_ 1 Bas. 5:12-28
_ Yak 2:18-26	_ Mat 6:16-24	_ Bef. 1:1-14
_ Yak 3:1-12	_ Mat 6:25-34	_ Bef. 1:15-23
_ Yak 3:13-18	_ Mat 7:1-6	_ Bef. 2:1-10
_ Yak 4:1-10	_ Mat 7:7-14	_ Bef. 2:11-22
_ Yak 4:11-17	_ Mat 7:15-23	_ Bef. 3:1-13
_ Yak 5:1-6	_ Mat 7:24-29	_ Bef. 3:14-21
_ Yak 5:7-12	_ Zab 1	_ Bef. 4:1-16
_ Yak 5:13-20	_ Zab 8	_ Bef. 4:17-24
_ Bar 12:1-8	_ Zab 13	_ Bef. 4:25-32
_ Bar 12:9-13	_ Zab 15	_ Bef. 5:1-14
_ Bar 12:14-21	_ Zab 20	_ Bef. 5:15-20
_ Bar 13:1-7	_ Zab 34:1-10	_ Bef. 5:21-33
_ Bar 13:8-14	_ Zab 34:11-22	_ Bef. 6:1-9
_ Bar 14:1-9	_ Zab 51:1-9	_ Bef. 6:10-23
_ Bar 14:10-12	_ Zab 51:10-19	_ Kub. 20:11-15
_ Bar 14:13-23	_ Zab 77:1-10	_ Kub. 21:1-8
_ Bar 15:1-6	_ Zab 77:11-20	



# **OLUKALALA OLUNNYONNYOLA EBIGAMBO EBIKOZESEDDWA**

**OBUYINZA:** Kino bwe buyinza n’amaanyi okukakasa nti wabaawo okugonda.

**OKUKKIRIZA:** Okukkiriza tekitegeza kutwala amazima oba enjigiriza mu bwongo kyokka naye n’okuteeka mu nkola amazima ago oba enjigiriza. Okusinziira ku Bayibuli okukkiriza kikwasaganyizibwa ku Mukama waffe Yesu Kristo. Tekitegeza kumanya nti Yesu Kristo yafa ebibi byaffe bisoniyibwe kyokka, naye n’okubaako kye tukola ku lw’okumanya okwo era ne tusaba okusonyiyibwa okwatuweebwa.

**OKUVVOOLA:** Okuvvoola kwe kwogera obubi oba okujeregerera ebitukuvu/abatukuvu oba Katonda. Kwe kweyisa oba okwogera ku Katonda mu ngeri eraga obunyoomi.

**OMUKISA:** Kino kigambo ekikozesebwa awamu okutegeza ebintu ebingi ennyo ebirungi ate ebigasa ebibaawo okuva mu nkolagana yaffe ne Katonda. Bizingiramu, bintu nga obulokozi, emirembe, okutabagana, emiganyiro egy’omwoyo, ebyetago ebikwaatikako, okuzzibwaamu amaanyi, okuyambibwa n’ebirara bingi.

**KRISTO:** Erinnya Kristo kitiibwa, nga Kabaka, eriweebwa Mukama waffe Yesu Kristo. Kitegeza aEyaafukibwaako Amafuta.

**OKWATULA:** Kwe kukkiriza nti tukozesezza endowooza embi, Ebigambo ebibi, n’ebikolwa ebibi era netukkiriziganya ne Katonda nti kyetukoze Kibi/twonoonye. Kizingiramu okukkiriziganya n’okusalirwa omusango kwa Katonda mu kifo ky’okwewolereza.

**ENDAGAANO:** Endagaano kwe kukiriziganya okusiba wakati w’abantu ababiri. Katonda bw’akola endagaano kitegeza nti Katonda agenda kukola nga bw’asubizza singa abantu batuukiriza obukwakkulizo obukwaata ku ndagaano eyo.

**OKUKKIRIZA:** Kuno kwe kwesiga omuntu. Kussizza essira ku mbala, obutukuvu n’amaanyi ga Katonda. Mu ngeri ey’obuliwo okukkiriza kuno – mu Katonda yennyini – ne kki Kyaali – kulabibwa mu ngeri gyetugonderamu ekigambo kye mu mbeera zonna, ne bwetuba tetutegeera lwaaki.

OKUSONYIWA: Kino kye kisobozesa enkwatagana okuddawo wakati w'abantu ababiri (omu nga gwe bakozeeko ekibi/bayonoonyeeko, oba anyiizizza/ayonoonye). Omu ku 'bantu' abo ayinza okubeera Katonda Yennyini. Omuntu omu "bw'asonyiwa" omulala, omusango giziikibwa, nga tegukyaddamu kuyimusibwa nate. Tusubizibwa ebintu bisatu bwe tusonyiwa:

1. Nti oyo asonyiwa taliddamu kulowooza ku musango nate.
2. Nti oyo asonyiwa taliddamu kuyimusa musango n'eyaguzza nate.
3. Nti oyo asonyiwa talikubaganya birowozo ku musango guno n'omuntu omulala.

ENJIRI: Ekigambo Enjiri kitegeeza 'amawurire amalungi'. Kikozesebwa mu Bayibuli okusingira ddala mu kusomesa okukwata ku kiki Katonda ky'akoze ku kibi ng'ayita mu Kristo n'engeri abantu gye bayinza okusonyiyibwa n'okutabagana ne Katonda.

OKWAGALA: Ebigambo bibiri eby'oLuyonaani bikozesebwa okuvvunula 'okwagala' mu Ndagaano Empya. 'phileo' ne 'agape'. Phileo kikwatagana na nkolagana ku mutendera gw'abantu era kiyinza okuvvunnulwa okwagala (ennewulira ey'omukwano). Agape kikwata ku mukwano gwa Katonda gye tuli era empulira/ennewulira ey'omunda ey'okwagala esukka okutegeera kw'omuntu.

Naye, Bayibuli bwetulagira "okwagalana" teyogera ku nnewulira ey'omunda naye eyogera ku bikolwa. Okwagalana kitegeeza okweyisa mu ngeri eraga omukwano eri abalala. Laba 1 Abakkolinso 13. Era tusobola okweyisa mu ngeri ey'okwagala eri omuntu gwe tutayagala. Katonda tatulagira kwagala (okw'ennewulira ey'omunda) buli muntu naye atulagira okubagala (okw'ebikola ebilaga okwagala).

OBUWEEREZA: Kino kigambo ekikozesebwa okukiikirira okuyitibwa oba okukakasibwa kw'omuntu mu buwereza bwa Katonda. Gino gy'emirimu egy'omwoyo mwe benyigira.

OKUYITAKO: Mu kitabo kya, Okuva esuula 12, tusoma ku ngeri Katonda gye yajjamu abantu be okuva e Misiri. Kino nga tekinnabaawo Yatta buli kibereberye mu Misiri, eky'abantu n'ebisolo. Abantu ba Katonda baali balabuddwa okumansira omusaayi gw'omwana gw'endiga ku kabuno n'emifuubeeto ez'ennyumba zaabwe olwo malayika w'okufa,

bw'anaalaba omusaayi, "abayiteko" n'ebibereberye byabwe bibeere mirembe. Embaga y'okuyitako yajaguzibwanga omulundi gumu mu mwaka okujjukira okuyitako okwasooka.

**OKUTENDEREZA:** Okutendereza Katonda kwe kumusiima mu bigambo oba mu nnyimba ku lw'ekyo Kyaali, ebirungi ebimulimu, n'olwebyo byakoze. Kitegeeza kumwogerako bulungi.

**OKWENENYA:** Okwenenya kitegeeza kukyusa gy'olaga/mugendo. Mu bigambo bya Bayibuli, okulekeraawo okufuga obulamwaffe n'okugoberera Mukama waffe Yesu Kristo nga tugondera ebyawandikibwa.

**OKUJULIRA:** Okujulira kitegeeza okubuulira abalala ng'okozesa ebigambo n'ebiyokulabirako ku bikwata ku 'Njiri'.

## **Okutunula - Omutendera Ogw'okubiiri**

**Wetegereze:** Oyinza okukozesa omutendera ogw'okubiiri n'ebikozesebwa bisatu bw'oba oyagala okwennyika mu kusoma Bayibuli.

Ebikozesebwa bino bigoberere okuva ku Mutendera Ogusooka era bikuyamba okwongera okugenda ebuziba.

### **Enziimba/Ensengeka**

1. Nsengeka ki gy'olaba mu kitundu kino?

Ekitundu kiyinza okuberamu . . .

Embooji oba olugero.

Ebibuzo omuwandisi by'adamu, nga Pawulo bw'atera okukola. Olukalala lw'ebintu eby'okwewala oba ebiragiro eby'okugondera. Ensengeka y'ebirowoozo ey'amagezi.

Ebisuubizo, ebiriko obukwakkulizo n'ebitaliiko bukwakulizo.

Bwe kiba bwe kityo, bukwakkulizo ki obuteekeddwaako, oba webuli.

## **Ebigambo ebikulu**

2. Bigambo ki ebikulu n'ebikola? Birambe.
3. Ku bino ebigambo ebikulu kuliko ebiddidwaamu?

Mu 1 Abakkoliso 13, 'okwagala' kiddibwamu era kyeraganti kigambo ekikulu. Mu Abaebbulaniya 11 ekigambo ekikulu 'kukkiriza', mu Abaefeso 1, 'mu Kristo' kiddibwaamu emmirundi ena. Okuddingana ebigambo ebikulu kitera okulaga omulamwa omukulu.

## **Ensonga Enkulu**

4. Kusomesa ki okukulu okuli mu kitundu kino.
5. Gata okutegera kwo okupya ku by'owandiika.

## **Okutunula - Omutendera Ogw'okusatu**

### **Okuyunga Ebigambo**

1. Nonya ebigambo ebikozeseddwa ng'ekitundu ku ndowooza esengekeddwa.

'Olwo' kitegeza nti Waliwo ekintu ekigoberera ekirala.

'N'olwekyo; kitegeza nti Waliwo akakwate ku lunyiriri olwo n'olwo olwasooseewo. Kakwaate ki ako?

'Naye' kikontanya ebintu bibiri mu kitundu. Mu Abaefeso 4:28 kiraga ekintu ekimu okukoma n'ekirala okudda mu kifo kyaakyo . . .

*"Eyabbanga alemenga okubba nate\; naye wakiiri afubenga, ng'akola ebirungi n'emikono gye, alyooke abeerenga n'ekyokumuwa eyeetaga."*

'Kubanga,' kiwa ensoga y'ekintu. Nsonga ki?

'Okusobozesa' kiraga akakwate wakati w'ebintu bibiri mu kitundu. Bintu ki?

'Singa,' kiraga akakwakkulizo akavaamu ekiba kisuubirwa.

## **Okuwumbawumba**

2. Otunuulidde ekinyusi, ebyafaayo, enziimba/ensengeka, ebigambo ebikulu n'ensengeka y'ebirowoozo.

Wandiika by'ozudde. Beera muyiia era wandiika by'oyize mu ngeri ennungamu egwaana ensengeka y'ebintu by'obadde oyiga.

Oky'okulabirako mu Abaefeso 4:25-32 Pawulo akontanya ebintu ebigwaanira omukurisitaayo n'ebyo ebitamugwaanira. Osanga osobola okukola enkalala bbiri eza bino. Ebitonotono bimenyedddwa wammanga

### **Lekera awo/ggyawo**

Obulimba

Toleka njuba kugwa ku busungu bwo

Okubba

### **Tandika okukola/Teekawo**

Amazima

Fuba Okukola Emirimu





